**06th August 2017.**

# ENNYANJULA Y'EKITABO 'OKUVA'.
# OKUBONYAABONYEZEBWA KWA ISIRAYIRI MU MISIRI.

## Okuva 1.

Amakya ga leero, tweebaza Mukama atutuusizza mu mweezi omuggya ogw'omunaana, omwaka 2017, ng'era tutandika emisomo mu kitabo ky'Okuva, gye tunaabanga nagyo ku lunaku lwa Mukama.

Ekitabo kino kiyitibwa ekitabo kya Musa, era nga bwe tunaalaba ebyaamu byeyongerezebwa bwongerezebwa ku by'omu kitabo ky'Olubereberye kye twasomesebwa omwaka ogwaggwa. Nga bwe kiri nti Musa ye yawandiika ebitabo ebitaano ebisooka mu Baibuli, ate nga kino ky'ekitabo ekyogera ku buzaale bwe.

Ekitabo, Okuva, kyogera ku Mukama okuggyayo abaana ba Isirayiri mu Misiri, gye baali bazaalidde ne bawera bangi nnyo. Baatiisa Abamisiri, baakozesebwa kajiri ne bayisibwa ng'abaddu olw'obungi bwabwe. Nga Mukama bwe yali yasuubiza jjajjaabwe Ibulaimu mu Lub. 15:13,14. Kyogera ku byaaliwo nga tebannava mu Misiri; n'ebyaaliwo mu lugendo lwabwe nga bali mu ddungu; awamu n'endagaano Katonda gye yakola nabo ku Sinaayi. N'amateeka ge yabawa nga bamusinza gatandikira mu kitabo kino.

Ekitabo kino kye kisingamu enfaanaanyirizo za Kristo mu byonna mu ndagaano enkadde, nga Yesu bwe yagamba mu Yokaana 5:46 nti Musa yawandiika ku Yye.

Ekitabo kyawuzibwaamu ebitundu bibiri ebikulu, ng'ekisooka eky'essuula 18, kyogera ku kununulibwa kw'Abayisirayiri okuva mu buddu e Misisri, n'olugendo lwaabwe, ate eky'okubiri okuva ku ssuula 19 okutuuka ku 40, kyogera ku kumanya n'okusinza Mukama Katonda waabwe.

Mu kitundu ekisooka eky'essuula ennya tunaalaba okuteekebwateekebwa kwa Isirayiri okuva mu buddu.

Tusome nga bwe tweetegereza….nny.1-7.

Kuno kwaali kutuukirizibwa kwa mukisa gwa Mukama eri Ibulayimu ne batabani be, era obulambukufu bwaabwe buli mu Lub.46. mwe bamenyebwa amannya nga basimbula okuva e Kanani……..

Nny.8 -14….. Wano we tulabira batandika okuyisibwa obubi, nkiwa olwo nga Mukama Katonda abasiikuula okukyaawa e Misiri bamukaabire abaggyeyo. Era we tulabira obukyaayi eri Isirayiri butandikira, obulituusa ku nkomerero y'ensi nga bwe twaasoma mu Danyeri. Ng'amaanyi g'obulabe eri okwagala kwa Mukama gafuba okuzikiriza eggwanga lye eddonde, olw'omukisa gwe ku llyo, naye nga bwe guli, byonna 'kukootakoota mu ga lumonde'. Mukama Ye w'obuyinza obwenkomeredde.
Obuddu buno mu Kyamateeka Olw'okubiri 4:20, Musa yabuyita "Kikoomi eky'ekyuma" wagambira nti "Naye Mukama yabatwala n'abaggya mu kikoomi eky'ekyuma, mu Misiri, okuba gy'ali abantu ab'envuma, nga leero."
Ebyo Sitaani byagenderera olw'obubi gye tuli Mukama alina obusobozi obbikozesa okuba obulungi gye tuli wadde tuba mu kubonaabona, bwe tubeera mu Yye ng'ababe ddala abatamweegaana.

Nny.15-22…… Falaawo yalaba amagezi ge tegakoze nga bwe twaalabye agamba mu lnny.10, n'ayisa etteeka ery'okutigimbula amabuggye g'Abayisirayiri, battibwe. Naye abazaalisa baalina entiisa y'Obwakatonda eyasinga eri Falaawo, era ne Mukama n'abawa empeera, n'abawa emikisa.
Era mu kumaliriza tubayigirako nti okutya Mukama okusinga abafuzi b'okunsi kiba kya makulu nnyo, era nga Peetero n'abatume bwe baddamu Abafalisaayo mu Bikolwa 5:29 nti "Kigwana okuwulira Katonda okusinga abantu."
Naye kino ssi lye bbeetu okwekalakaasa, okussaawo obutabanguko, wabula okuba abavumu mu bukkakkamu okugondera Mukama mu bwetoowaze n'okwagala. Tuweebwa amagezi okumweesigisa embeera zonna mwe tuba ne kimuweesa ekitiibwa kyagwaanidde.
Omwo okwagala kwe mwe kutuukirizibwa mu butereevu bw'enteekateeka ze nga bwe tuneeyongera okulaba…..